# Akulira KCCA alagidde ab'e Kasubi

Bya ERIA LUYIMBAZI

AKULIRA ekitongole kya KCCA Hajjat Sharifa Buzeki agenze e Kasubi n'agoba akatale k'omubuulo akabeera ku kkubo n'alagira ebibaawo n'ebimeeza byonna abasuubuzi kwe babadde bakolera bitikkibwe ku loole bitwalibwe.

Bino byabaddewo ku Lwomukaaga Hajjati Buzeki bwe yagenze e Kasubi mu zooni I ne zooni II mu kaweefube w'okukunga abatuuze baayo mu nkola ey'okweyonja eyatuumibwa 'Weyonje' n'asanga nga waliwo abasuubuzi abayiiye bintu byabwe batandike okutunda mu katale k'omubuulo akabeerawo buli Lwamukaaga n'agamba nti, mu Kampala tewakyali butale bwa ku makubo. Yalagidde abaserikale ba KCCA okukung'aanya ebimeeza byonna abasuubuzi bye babadde baleese okuteekako emmaali bimenyebwe bitikkibwe ku loole bitwalibwe kuba amateeka g'ekibuga tegakkiriza bantu kukolera mu bifo ebitakkirizibwa.

Ku mbeera y'obuyonjo Buzeki eyabadde n'omumyuka we, Benon Kigenyi yasabye abantu obutamala gamansa kasasiro buli we basanze kuba kino kiyinza okuvaako endwadde n'abakunga kasasiro bamuteeke mu bifo abamuyoola we bamusanga bamutwale.

Yalagidde kkampuni ya Nabugabo Updeal Joint Venture okwongera amaanyi mu kuyoola kasasiro okuva mu bantu aleme kwetuumamu kuba bajja kumumansa mu bifo ebitakkirizibwa ng'emyala. Akulira ebyobulamu mu KCCA, Dr. Sarah Zalwango yagambye nti, ekifo we baasanze nga basalira enkoko kyabadde kisusse obucaafu.



Hajjati Buzeki (ku ddyo) ng'ayita ku bibaawo bye yalagidde biggyibwewo.